# Ebiri mu nsomesa empya Gavumenti gy'ereeta mu Pulayimale

Bya LAWRENCE KIZITO
NE MARTIN KITUBI

GAVUMENTI ereese ensomesa empya n'engereka y'obubonero eri abayizi ba P7 abakola ebigezo bya PLE, esuubirwa okutandika mu bbanga lya myaka esatu okuva kati.

Ekitongole ekivunaanyizibwa okutegeka ebisomesebwa abayizi mu masomero ekya National Curriculum Development Centre, kyamaze dda okufulumya ensomesa empya eri mu bubage, nga kati ebitongole ebikwatibwako ebyenjigiriza bigenda kugyekenneenya okulaba ng'etuukana n'omulembe.

Engereka y'obubonero nayo egenda kukyuka, baggyewo enkola ebaddewo abakugu gye bagamba nti ebaddemu okusosola n'obutaggyaayo kifaananyi kituufu ku busobozi bw'abayizi, ekivuddeko n'ebizibu ng'okubba ebigezo okweyongera, ng'amasomero gaagala abayizi bafune buna gasobole okufuna abayizi abawera.

Kati engereka y'obubonero empya ereetebwa, egenda kufaanagana n'eyo ekozesebwa mu S4, era abayizi bagenda kuba babagezesa okuva mu P1 okutuuka mu P7, ng'okugezesa kuno abakugu baagala kutwale ebitundu 20 ku 100, ate ebigezo bya PLE bitwale ebitundu 80 ku 100.

## EBIRI MU NSOMESA EMPYA

Ensomesa empya Gavumenti gy'ereeta, eyagala essira ly'ebisomesebwa liteekebwe mu masomo ag'obwoleke (Practical), ng'abayizi bye basoma basobola okubiteeka mu nkola. Era amasomo gagenda kulinnya okuva mu masomo 4 ge babadde basoma, okutuuka ku 10, naye nga ku PLE bakolako ebigezo bya masomo mukaaga.

Ku masomo 4 ge babadde bakola okuli; Olungereza, Ssaayansi, Okubala ne Social Studies, baagala okwongerako Oluswayiri, n'ebyeddiini. Ebyeddiini bibadde bisomesebwa mu ssomo lya Social Studies nga kati baagala lyetengerere.

Ennimi okuli Olungereza n'Oluswayiri, abayizi bajja kuba babuuzibwa ebibuuzo eby'okuwandiika n'ebyokuddamu ng'ayogera, okupima oba ddala olulimi alutegeera.

Mu ssomo lya Ssaayansi buli ekisomesebwa bagenda kukiteekako essomo ly'obwoleke (Practicals), ng'abayizi bafuna omukisa okulaba n'amaaso gaabwe ku ebyo bye baba basomye, babitegeere obulungi.

Pulayimale nayo egenda kwawulwamu emirundi ebiri, mubeemu Pulayimale eya wansi n'eya waggulu. Eya wansi egenda kuva ku P1 okutuuka ku P3 ate eya waggulu etandikire ku P.4.


Amasomo agagenda okusomesebwa wansi kuliko Olungereza, Olulimi olunnansi, Okubala, Ebyeddiini, Livelihood Education (Essomo eriyigiriza omwana emirimu gy'asobola okukola okwebeezaawo), Performing Arts (ebyokuyimba, okuzina n'okuzannya emizannyo), Art and Technology (okukozesa tekinologiya wa digito okukuba n'okusiiga ebifaananyi), Physical Education (ebyemizannyo n'okukola dduyiro okugumya omubiri), n'Oluswayiri.

Ate Pulayimale eya waggulu bagenda kusoma Olungereza, Okubala, Ssaayansi, Social Studies, Ebyeddiini, Art and Technology, Physical Education, Oluswayiri, Olulimi olunnansi n'olw'ebikolwa.

Ensonda mu minisitule y'Ebyenjigiriza zaategeezezza ***Bukedde*** nti ssente ezigenda okuvujjirira enteekateeka eno, zigenda kutandika okuteekebwa mu bajeti y'eggwanga mu mwaka gw'ebyensimbi ogujja 2026/2027.

Mu kufulumya ebyava mu bigezo bya P7 eby'omwaka oguwedde, minisita w'Ebyenjigiriza Janet Museveni yalaze nti enteekateeka z'okukyusa ebisomesebwa mu Pulayimale zigenda maaso, okusobola okuteekateeka abayizi abayingira siniya, baleme kukaluubirizibwa kuba mu siniya ensomesa empya yatandika.

Ssentebe wa UNEB, Polof. Celestino Obua yagambye nti okukyusa ebisomesebwa n'engereka y'obubonero kijjidde mu kiseera ekituufu, okulwanyisa okubba ebigezo.



Dayirekita wa UNEB, Dan Odong (ku kkono ) ne ssentebe wa UNEB ku ddyo nga bakwasa minisita w'Ebyenjigiriza Janet Kataha Museveni ebyavudde mu bigezo bya PLE.